# Banja agobye Heedimasita eyasabye ebizimbe mu balokole

Bya PETER SSAAVA

OMULABIRIZI w'e Namirembe, Moses Banja agobye abadde akulira essomero ly'Ekkanisa e Masuliita lwa kusaka bizimbe mu bantu ab'eddiini endala era n'alagira heedimasita ono obutaddamu kuweereza mu ssomero lya Kkanisa lyonna!

Amos Lugoloobi, abadde akulira Kabale C/U P/S mu ggombolola y'e Masuliita mu disitulikiti y'e Wakiso, ye yagobeddwa. Banja yatuukiridde abatwala ebyenjigiriza e Wakiso n'abasaba ku ssomero lino batumeyo omuntu omulala.

Kyaddiridde Lugoloobi okusaba obuyambi okuva mu balokole aba "Jesus Christ of Latter-Day Saints" era ne bamuzimbira ebizimbe 4 ne bamusuubiza n'okuzimba ebirala.

## ABAZADDE BEESAZE AKAJEGERE

Abazadde bino olwabagudde mu matu, baatabuse ne bagumba ku ssomero ne bagamba nti kikafuuwe Lugoloobi okuva ku ssomero lyabwe! Baagambye nti aleese enkulaakulana ku ssomero n'atumbula n'ebyenjigiriza.

Mu kulaga obutali bumativu, baawanise ebipande ebiriko ensonga zaabwe, ne balangira Namirembe okulwanyisa enkulaakulana ku ssomero nga beekwasa obusongasonga obutaliimu ggumba.




Kasenge Ssemmandwa akulira olukiiko lw'abasomesa n'abazadde ku ssomero lino. Emabega bye bipande by'abazadde ebiwakanya okugoba Lugoloobi.

## SEJJUSA KUGOBA LUGOLOOBI

Kyokka Banja yategeezezza **Bukedde** nti teyejjusa kugoba Lugoloobi kuba abadde avudde ku nnono z'Ekkanisa ng'atandise okuwaba. Yagambye nti, abaazimba ebizimbe, babiggyewo babitwale naye tayinza kukkiriza buyambi obutategeerekeka. N'agamba nti, bwe bataakikole agenda kutwala ggulееda ebisendewo, Obulabirizi buteekewo ebyabwo.

Wabula akulira olukiiko lw'abasomesa n'abazadde, Kasenge Ssemmandwa yategeezezza nti, embuyaga yasuula ebizimbe by'essomero lyabwe byonna mu 2025, abayizi ne batandika okusomera mu musana.

Yagambye nti, ng'ali wamu n'abakulu ku ssomero n'abazadde, baawandiikira Namirembe nga bayita mu Mubuulizi, Omusumba w'Obusumba bw'e Masuliita ne Ssaabadinkoni w'e Kazo (Obusaabadinkoni bwe baali babuyita ekiseera ekyo) nga basaba okubazimbira ebizimbe kyokka ne batabaako kye bafuna.

"Twatuukirira bannaddiini bano ne tubasindira ennaku yaffe, kyokka bwe baatuuka e Namirembe, baabategeeza nga bwe batalina ssente zizimba bizimbe birala ne



Omulabirizi Banja

batusaba okugumiikiriza," Kasenge bwe yayongeddeko.

N'agamba nti, olw'okuba Lugoloobi alina emikwano gy'abalokole, yabasaba obuyambi ne bakkiriza kyokka baamusaba ategeeze bakamaabe ab'e Namirembe. Agattako nti, Lugoloobi yayita mu Mubuulizi, eyagenda ew'Omusumba ne Ssaabadinkoni ne batuuza enkiiko eziwera ezikkiriza okuzimbibwa kw'ebizimbe bino.

Agamba nti, yeewuunyizza kuba ebizimbe bino byatandika okuzimbibwa ku ntandikwa y'omwaka oguwedde ng'Omusumba n'abantu be balaba nga ne Namirembe emanyi.

Eunice Nakitende omu ku bannannyini ttaka essomero kwe liri, yategeezezza nti okugobwa kwa Lugoloobi kwamukubye wala era nti nga bo bannannyini ttaka, nabo bagenda kugoba Namirembe ku ttaka lyabwe kuba terinaako mpapula. N'agamba nti, Banja nga munnaddiini, engeri gye yakuttemu ensonga zino teraga mutima gwa kusaasira na kusonyiwa.

## *Abantu bye bagamba*



**Juliet Nakanwagi; Pulezidenti atukubiriza obutasosola mu ddiini. Lwaki Namirembe ate evaayo n'eraga nti esosola ate nga b'esosola baleese nkulaakulana mu kitundu?**



**Mayinja Kisekka: Kitukoze bubi okulaba ng'abaleeta enkulaakulana ate babalaba bubi. Bano tebatutte ttaka lyaffe, kati Namirembe obumu bwe babuulira bwe buliwa?**



**David Kalongo: Ssaabadinkoni Ven Kenneth Ssewannyana azze abaawo mu nkiiko z'okuzimba. Namirembe evaayo etya n'eraga nti terina ky'emanyi? Olwo ffe Abakristaayo kituleka wa?**